JOANITA NAKATTE



Abaasomerako ku St. Balikuddembe nga bakwasa akulira essomero lya bamuzibe ebikozesebwa.

# Abaddukanya essomero lya bamuzibe basattira

Bya JOANITA NAKATTE

ABAVUNAANYIZIBWA ku ssomero lya bamuzibe e Mukono erya Salaama School for the blind balaze okusoomoozebwa okw'obulumbaganyi obw'emirundi ebiri obuzze bubakolebwako abantu abatannategeerekeka, ekyongedde obunkenke mu bayizi n'abasomesa.

Akulira essomero lino Dorothy Ssebadduka yagambye nti gye buvuddeko baalumbibwa ababbi mu kiro ne batema oluggi lwa ofiisi ne boonoona buli kimu wabula nga kye baali banoonya tekinnategeerekeka.

Yagambye nti embeera eva ku butaba na kikomera ekireetedde abantu okukola ekkubo wakati mu ssomero. Yayongeddeko nti embeera eno ezze ekomyawo okutya eri abasomesa n'abayizi olw'ebyabatuukako emyaka 3 ebyasasamaza eggwanga abantu b'ettima, bwe baakuma omuliro ku kisulo ky'abaana abawala, 11 ne bafa.

Ssebadduka yagambye nti mu bingi ebyabasuubizibwa Gavumneti mwe mwali n'ekikomera okwetooloola essomero wabula tekibaweebwanga.

"Lino lye ssomero lya Gavumenti lyokka erya bamuzibe mu ggwanga ng'etuwa akakade 1 n'emitwalo 70 buli ttaamu naye tezimala kuzimbako kikomera kye twetaaga, okuliisa abaana n'okusasula abamu ku basomesa, tusaba tudduukirirwe n'ekikomera ekigumu tunyweze ebyokwerinda by'essomero," Ssebadduka bwe yagambye.

Yayongeddeko nti basoomoozebwa n'okuwa abaana bano obujjanjabi obusookerwako nga ne gye buvuddeko waliwo omuzibe eyavaamu eriiso.

Ono okwogera bino, yabadde aweebwa obuyambi mu baasomerako ku ssomero lya St. Balikuddembe e Kisoga n'asaba abalina obusobozi okwongera okubadduukirira.

Joseph Kiwendo, ssentebe w'ekibiina ekigatta abayizi bano yasabye Gavumenti n'abalina obusobozi okulaba nga babatandikirawo ebbanguliro ly'ebyemikono ku ssomero lino.